ENNYINGO - 17

EBIFUNDIKIRA

17.1 Obulamu bwa Paulo Kikwanguyira Kiyingi ne byetumuyigirako

Yali musajja Muvumu; Mukwata mpola (*Quiet achiever*); Mutabaganya; Mukozi wa maanyi mu mirimu gye yakolera eggwanga lye. Mulwanyi, Kawonawo wa Sematalo eyasooka (*World War I veteran*) eyalaga obuzira mu Ssematalo oyo; Mwoyo gwa Gwanga (*nationalist*) omwagazi w'ensi ye Buganda/Uganda, eyagirwanirira n'atuuka n'okuwangangusibwa ettaka lyayo lireme okutwalibwa Abazungu; Kagezi munnyo eyawolereza ennyo omuntu owa bulijjo nga puliida atasasulwa mpeera; Mwagazi wa nnono n'ekikaakye eky'Endiga, eyayamba ennyo okukikumaakuma, okulamya ennono y'okulonda Lwomwa, n'okukifunira ekifo (*office*) omw'okukungaaniranga; Muntu wa Katonda eyalwanirira enyo ekkanisa ye.

Kyokka nga ba mwoyo gwa gwanga (*nationalists*) mu nsi ezisinga bwe batera okweyisa, obulamu bwabwe batera kubumala mu kugoba nsonga, mazima na bwenkanya, ne beerabira okwevujjirira. Beerabira olugero lwa Baganda olugamba nti "Enkoko etakula ezza eri bwana bwayo". Kale bangi bafa baavu. Bwatyo, newankubadde ebiseera bya Paulo Kiyingi ebyasooka byali bisava nga akyalina omulimu ogwamufunyisanga ensimbi eziwera, naye olwatamiira obwa mwoyo gwa gwanga, obulamu bwe ne bufuuka. Bangi bagamba nti Paulo Kiyingi yafa mwavu, mu by'okufuna ebyensi. Naye ye nsuubira nti yandigambye nti "Nafa bugagga obw'omwoyo n'okulumirwa ensi yange"

Mu bitabo bingi ebiwandiikibbwa ku byafaayo bya Buganda ne Uganda totera kulaba linya lya muzira Paulo Kiyingi werivugira. Nsonga ki? Kiyinzika okuba nga kyava ku nkula ya Paulo Kiyingi okuba nti yali musirisesirise, omukwata mpola, eyali omukozi ennyo naye nga talina bitone bya bukulembeze na kwevujjirira. Ekyo ne kimuviiramu obutayatiikirira n'erinya lye obutavuga, nga aga banne abamu abaali abakulembeze ab'engeri emu oba endala. Bwekiba bwekityo, abaana bonna awamu n'abazzukulu ba Paulo ne Eseza Kiyingi, basaanidde bamanye era bakitegeere nti munsi muno omuntu yenna gyava yenkana, okumanyika ab'emirembe gy'omumaaso asaana okwerambika obukulembeze buli kakisa lwekeyoleka. Asaana obutatya kwogeza maanyi mu lujjudde lw'abantu, kiki kyakkiririzaamu, obuteefeebya. Asaana okwevujjirira. Ekyo kisaana kibe kya kuyiga kikulu ekisooka.

Ekyokuyiga ekirala kiikino: Omuntu yenna omukozi, wadde n'oyo atannatandika kukola, asaaniddenga atandikirewo okwetegekera ebiseera ebyomumaaso, nga bwatereka ensimbi mu makubo agazaaza ensimbi endala (*savings investments*), naddala nga asemberera okuwummula emirimu gye (*retirement*). Enfuna y'omuntu oyo bwetuuka okwesigama ku magoba g'ensimbize gezireeta (*profits*), n'aba nga ezo z'akozesa okwebeezaawo mu bulamu bwe, so si omusaala gwe (*salary*), ekyo kyekimufuula omugagga mu nsimbi. Olwo ne bwakola obubaga n'agabula abantu, tewali amuwuna. Paulo Kiyingi we baamuwangangusiza ekyo yali tannakikola. Newankubadde yali amaze okugula ettaka eriwera nga akyaweereza Gavumenti, okulekayo okukola emirimu gyeyali akuguseemu, n'adda mu bulimi bwataalinaamu baluwa, ku myaka 51 gyokka gyeyalina, yewummuza mangu nga teyetegekedde bulungi biseera bya mu maaso. Ate n'atakoma awo, ne bongera n'okuzaalayo abaana abalala (omubuze Kasalina Nalumu, Mangalita Naluggya, nange omuwandiisi), n'azimba amaka agokubiri, n'awasizaamu omukyala omulala, newankubadde oyo teyamuzaalamu mwana. Abaganda bagamba nti "N'omulungi, tabulako kamogo". Kale ne kino kisaana kibe kya kuyiga kikulu gyetuli.

17.2 Obulamu bwa Eseza Nabwami Kiyingi ne Byetumuyigirako

Yali mukazi mwesimbu, muteesa, omuzimbi wa maka, eyazimba amaka gaabwe ag'e Makeerere n'agaweesa ekitiibwa. Yayagala nnyo bba Paulo Kiyingi gweyamala naye mu bufumbo emyaka amakumi ana gennyini (1928-1968), okutuusa okufa bwe kwabaawukanya, nga tanobyeeko. Yali mukozi wa maanyi, mwagazi wa bantu eyayanirizanga abantu awaka.

Yali mutabaganya, mu nda ya Mujugumbya kitaawe, eri bagandabe ne mwannyina bwe baazaalanwa. Yali mukulembeze, omulwanirizi w'ennono mu kikaakye ne mu bintu bingi.

Yalina ekitone ekitegeera endowoza n'ebikolwa by'abaana abato. Yeyambisanga nyo olunyiriri lwomu Bayibuli oluva mu Abakkolinso, suula 13: olunyiriri 11, olugamba bweruti: "Bwe nnali omuto, nnayogeranga ng'omuto, nnategeeranga ng'omuto, nnalowoozanga ng'omuto; bwe nnakula, ne ndeka eby'obuto". Bwe batyo abaana be ne bakula nga bakkakkamu, olw'okubategeera okwo.

Yalina ekitone ekyokulabira ewala ku byokusoma kw'abaana be, abaana ba bba, n'abaana ba baganda be ne bannyina. Engeri ye gye yasigala mu maka agokukibuga nga bba Paulo Kiyingi agenze mu kyalo, yatemanga empenda ez'okusomeserezaamu abaana abo bonna. Okubasabira ebifo mu masomero, awamu n'okubanoonyeza ebisale by'amasomero.

Yalina obumalirivu obutagambika, atanyigirwa mu tooke, nga buli kyawomamu omutwe, tawummula nga tannakisonjola. Olw'okuweerezaakwe okwolutentezi, okutaalimu kwekaanya ate okwayimirizaawo essomero lye Makeerere Primary School, essomero lyamubbulamu emu ku nnyumba z'abayizi gye baatuuma "Eseza Kiyingi House".

Ebyo byonna bigwanidde bulijjo bibe bya kuyiga eri abaana, n'abazzukulu n'abo bonna ab'emirembe egiriddawo.